

Sserunjogi

Ekisaawe kya KCCA e Lugogo nga bwe kifaanana.

# KCCA enoonya obuwumbi 39

Bya HUSSEIN BUKENYA

**Lwamukaaga mu Stanbic Uganda Cup**
URA vs KCCA e Nakivubo; 9:00

ABAKUNGU ba KCCA FC batuuyana zikala olwa ssente ezimaliriza ekisaawe kyabwe okubabula.

Ssentebe wa ttiimu eno, Andrew Mukiibi Sserunjogi n'abamu ku bakungu ba boodi, ku Lwokutaano baasiiba mu Palamenti nga basaba ebawe obuwumbi 39 n'obukadde 400 bamalirize ekisaawe kino.

Sserunjogi agamba nti Gavumenti ssente ze yasooka okubawa, baazikozesa bulungi nga kati babulako kumaliriza mutendera gusembayo kyokka kalumanywera yatuuseewo mu kusaba ndala ezirina okukimaliriza.

Ku ssente zino, Sserunjogi agamba nti baagala kugulako obutebe abawagizi kwe batuula, okutereeza abakungu we batuula, okussaako ebitaala okukyetoolooza, okugula ggyenereeta ennene, okugula lifuti, okuteekamu ebyuma ebireeta empewo, okukisiiga langi kyonna, okukyusa kkapeti, okukiggala, n'ebirala bingi nti kyokka ssente zikyababuze.

"Gavumenti ezze etuwa ssente ku nsonga ez'enjawulo era tulina essuubi nti ne ku mulundi guno ejja kutuwa lwakuba tulina okutya nti bitambudde kasoobo," Sserunjogi bwe yategeezezza.

Yayongeddeko nti baalina essuubi nti mu kiseera kino ekisaawe kyalina okuba nga kiwedde kuba kitutte obudde bungi kyokka kati buli kimu kye sibye.